OBUBAKA BWA PASIKA (2023) ERI E'GGWANGA

Metropolitan Jeronymos Muzeeyi
Holy Metropolis of Kampala

Abaana bange abaagalwa mu Kristo,
Kristo Azuukidde.
"Nze kuzuukira n'obulamu" (Yok. 11:25).

Yesu Kristo, Mukama waffe era omulokozi, yajja ku nsi okutuwa obulamu obuggya. Obulamu buno obuggya, okusookera ddala, busangibwa mu Katonda, Katonda ow'amazima era omulamu. Wano ku nsi, bwe bulamu bw'abatukuvu. Kyokka, obulamu buno okusobola okujja, kyetaagisa okumanya obulungi Katonda ow'amazima era omulamu. Kristo yamutubikkulira. Oyo abufunye, ajjudde okwagala era ali mu kussa ekimu ne Katonda ono, abantu banne n'ebitonde. Ekisinga obukulu, obulamu buno obuggya bwesigamiziddwa ku kubeera nga Katonda bw'ayagala, n'okuva ku kibi. Ekituufu kiri nti awali ekibi, waliwo okufa. Katonda abeera mu batukuvu atuyita okwenenya buli kiseera tubeere abasaanira obwakabaka bwe obw'omu ggulu, obulamu bwe obutaggwaawo. Wano, Mukama waffe era Omulokozi akissaako akabonero ng'agamba nti "Nze kuzuukira n'obulamu (Yok. 11:25)", okuyitibwa okwenjawulo eri Abakristiyani Abasodokisi.

Eno y'ensonga lwaki Ekklesia y'Abasodokisi ewa okuzuukira kwa Mukama waffe era Omulokozi waffe, Yesu Kristo, amakulu mangi. Embaga eno nkulu nnyo ku Kalenda y'Ekklesia y'Abasodokisi. Ye mbaga Ssemabaga, era entabiro z'embaga. Nga balina ekitangaala ekiva mu nsibuko y'ekitangaala, Abakristo Abasodokisi bakuza embaga y'Okuzuukira kwa Yesu Kristo n'essanyu lingi. Kye ssanyu nga buli kimu kijjudde obulamu, obulamu okuva mu ntaana enjereere. Obulamu buno bwennyini kwe kwolesebwa kwa Mukama omulamu afuga. Okuwa buli muntu obuvumu, essuubi, okwagala n'okukkiriza. Kristo eyazuukira ye byonna era mu byonna. Omuntu atuuka ku buwanguzi ku kufa, mu ngeri endala atuuka ku bulamu obutaggwaawo. Ekklesia ya Kristo, nga gwe mubiri gwa Kristo, y'egenda okututwala mu bulamu obutaggwaawo.

Omuntu kimugwanira okukyalira Kristo ku musaalaba asobole okutegeera obugazi n'obuziba bw'obulamu buno obuggya. Mu mazima, Kristo ku musaalaba ayiwa omusaayi gwe olw'okusonyiyibwa kw'ebibi byaffe. Atununula n'atutabaganya ne Katonda. Ku mulyango oguyingira

mu Ekklesia ya Kristo, tuzaalibwa omulundi ogw'okubiri amazzi n'omwoyo. Mu Klezia, ekyokunywa n'emmere yaffe enkulu, ng'Abakristaayo Abasodokisi, gwe musaayi n'omubiri ebya Kristo. Mu kussa ekimu, tufuna okusonyiyibwa ebibi n'obulamu obutaggwaawo. Wano omuntu ategeera okuzuukira n'obulamu bwa Kristo okuva mu kussa ekimu, Kristo anaaza omuntu waffe ow'omunda n'obulamu bwaffe n'akyusa obutonde bwaffe. Kristo aggyawo obutwa bw'ekibi n'okuluma kwa sitaani. Tusumululwa era ne tuyingizibwa mu magye ng'abaana ab'obulenzi nab'obuwala ba Katonda, Kitaffe, olw'Ekisa.

Mu kuzuukira kwa Kristo mwe muli essuubi ly'eggwanga eryagalwa Uganda. Nga twolekagana n'okusoomoozebwa kw'eggwanga lyaffe ekulu, batabani ne bawala ba Katonda Kitaffe ab'eddembe, olw'Ekisa, beetegefu era baweereddwa amaanyi n'okwolesebwa kwa Kristo eyazuukira okusitula eggwanga lino okuva waggulu okutuuka ku ntikko. Ekikulu mu kubeerawo kwabwe bwe bubaka bw'okuzuukira. Buba bubaka bwa buwanguzi, buwanguzi ku kufa n'obuwanguzi olw'obulamu obutaggwaawo. Obuwanguzi buno bwa kuleeta mutindo gwo bulamu eri Uganda era ddala eri Bannayuganda bonna. Buba bubaka okwagala mwe kusinga mu kussa ekimu kwaffe ne Katonda, bannaffe n'ebitonde. Obubaka buno bukkaatiiriza obutuufu bw'omubala gwaffe "Ku lwa Katonda n'Ensi Yange". Era kiteeka obwawufu bwa Kristo n'okwetongola, ng'omulokozi asobola okutuwa obulamu obw'amazima, wakati mu bulamu bwaffe obw'obuli bw'enguzi, ku nteekateeka y'eggwanga. Tuzuukusa essuubi lyaffe okusukkuluma ebyo ebinyigiriza obulamu bwaffe. Tuleekaanire waggulu nti Kristo azuukidde, buli omu mu Uganda wa ddembe.